# Ekiseera ekituufu kye wandiwadde omwana essimu ne by'osinziirako okugimuwa

Bya EMMANUEL SSEKAGGO

WALIWO abazadde abagifudde enkola okuwa abaana amasimu okugakolerako ebintu eby'enjawulo kyokka nga tebasoose kwekenneenya oba nga ddala kituufu okugabawa okusinziira ku myaka gyabwe.

Abamu emyaka ne bwegiba gituuse, ate tebatwala budde kuteekateeka mwana oyo gwe baba bagenda okuwa essimu, olwo omwana n'agikozesa nga bw'asanze ekivaamu ng'afuna ebizibu ebitali bimu ku bwongo n'okuyiga emize.

Eyali dayirekita w'ebyenjigiriza ebisookerwako wamu ne siniya mu minisitule y'ebyenjigiriza nga kati yawummula, Ismail Mulindwa alabudde abazadde ku muze gw'okuwa abaana amasimu nga bakyali bato n'agamba nti, kino kya bulabe ddala ku nkula y'omwana.

Mulindwa agamba nti : Okuwa omwana essimu, tekyandibadde kibi kyokka kirina okukolebwa ng'omwana atuuse ate ng'ateekeddwateekeddwa bulungi.




Omwana okuweebwa essimu oba ttaabu, tekyandisinzidde ku myaka gy'alina wabula wandisinzidde kw'ekyo ky'asobola okugikozesa ate n'ensonga lwaki ogimuwa. Essimu oba ttaabu yandibadde eweebwa omwana ng'egenda kumuyambako mu kusoma, okugeza ng'afunye obusobozi okuteekamu ekibuuzo ekya ssaayansi oba okubala yintaneeti n'eyambako mu kumulambika engeri gye baanukulamu ekibuuzo ekyo.


Ismail Mulindwa.

Kino kitegeeza omwana waakiri wandimuwadde essimu ng'ali mu P.5, mu kiseera ekyo omwana asobola okubeera wakati w'emyaka 10 ku 12. Mu kiseera ekyo oba olyawo aba asobola okubaako ky'agikozesa.

Okugimuwa sooka omuteekateeke ayige okugikozesa obulungi.

Omwana bw'aba tannaweza myaka 18 baako n'obudde bw'ogimuwa aleme kugikozesa bubi.

Bangi bw'otomufaako obasanga mu kisenge ku ssaawa munaana oba mwenda ez'ekiro nga bali ku ssimu, mu budde obw'okwebaka.


Omwana ng'ali ku ssimu.

Kino ne bwekiba tekimuyigirizza mize, kitaataaganya obwongo bwabwe olw'obutafuna budde buwummula bumala.

## MINISITULE WEEYIMIRIDDE

Waliwo abazadde abalina enkola ey'okunenya minisitule y'ebyenjigiriza nti, tekoze kimala kulambika baana ku masimu ekintu ekitali kituufu. Enkola ya minisitule entongole eriwo tekkiriza masimu mu masomero ga pulayimale ne siniya.

Abazadde abamu tulina okwongera okuba ab'obuvunaanyizibwa, tetulina kulekera minisitule ya byanjigiriza kukukuliza baana bo, ggwe mwennyini ggwe agulira omwana wo essimu, n'otamulambika bulungi ku ngeri gy'alina kugikozesa ate bw'afuna emize oba obuzibu obw'enjawulo awo ng'onenya Gavumenti, ekyo si kituufu.

Obuvunaanyizibwa bw'okukuza abaana butandikira ku ggwe omuzadde. Omwana bw'omuwa essimu, mulambike amanye bw'agikozesa. Singa omusanga ng'agikozesezza mu ngeri eteri ntuufu, mubonereze kuba oba wamulambika.